335/1
Luganda
July - August 2022
2 Hours

UGANDA MUSLIM TEACHER'S ASSOCIATION

UMTA JOINT MOCK EXAMINATIONS – 2022

UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

**(OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUKYUSA, OKUFUNZA, EBISOKO NE GGULAAMA)**

LUGANDA

**Paper 1**

**Essaawa bbiri**

EBIGOBERERWA:

*Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri:* ***A*** *ne* ***B****.*

*Mu kitundu* ***A,*** *mulimu nnamba****1*** *(a) ne (b). Londako (a)* ***oba*** *(b).*

*Mu kitundu* ***B****, mulimu nnamba* ***2*** *ne* ***3****. Nnamba* ***2****, londako (a)* ***oba*** *(b).*

*Nnamba* ***3*** *yonna ya buwaze.*

© UMTA Joint Mocks 2022

Scanned with CamScanner

## EKITUNDU A

1. a). Ku mitwe egikuweereddwa wammanga londako gumu oguwandiikeko emboozi etakka wansi wa bigambo 400(**buli mutwe obubonero 50)**

   i. kyosiga kyokungula ……………

   ii. Amasimu gakoze kyamaanyi okwonoona empisa z' abaana ensangi zino. Kubaganya ebirowoozo.

   iii. Obukulu bw'okwabya olumbe eri omuganda.

   iv. Wandiika emboozi ng'ekomekkereza ebigambo bino: Twakizuula luvannyuma nti owaffe yennyini yeyatulyamu olukwe.

**Oba**

b). Ku mitwe gino wammanga, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (**Obubonero 25**)

   i. Wandiikira minisita w'ebyokwerinda ebbaluwa ng'omunnyonyola ebiviiriddeko obumenyi bw'amateeka okweyongera mu kitundu kyammwe. (Kozesa ebigambo 200)

   ii. Gwe akulira eby'obulimi mu kitundu kyammwe, mwakola okunoonyereza ku byavaako amakungula g'ebirime amabi omwaka oguwedde. Wandiika alipoota eyava mu kunoonyereza okwo. (Kozesa ebigambo 200)

   iii. Weefuule akulira poliisi y'ebidduka otegeke omusomo oyogerako eri abavuzi b'ebidduka obabuulire byebalina okukola okusobola okukendeeza ku bubenje obusikiridde. (Kozesa ebigambo 200)

   iv. Wandiika eggulire erinaafulumira mu mpapula z'amawulire ku dduka dduka abadde mu kibuga nga poliisi eremesa abavubuka ababadde beekalakaasa olw'ebbeeyi y'ebintu okulinnya.

(Kozesa ebigambo 200)

Scanned with CamScanner

## EKITUNDU B

Funza ekitundu kino ekikuweereddwa mu bigambo nga 100.

**(obubonero 20)**

Ku kyalo Kabulamuliro yewasangibwa amaka ga Muzeeyi Musiitwa eyafa mu myaka gyensanvu eyo. Omwana gweyeezaalira yennyini yeyamugya mu nsi eno ewooma okuzaama.

Nnyina wa Lugoloobi teyamukubako kimunye anti bambi yafiira mu ssanya. Newankubadde abasawo baasula beekeja nga bakola butaweera okutaasa obulamu bw'omukyala oyo naye baamala bya mu bulago

Kitaawe yakola butaweera oba obutassa mukka asobole okukuza eddenzi newankubadde emikwano n'aboluganda baamugambanga lunye atwale omwana mu ba Ssenga be ye ngawoza kimu kuzaala kujaagaana .

Yakeeranga nnawankya oba kiyite mu bunyonyi okugenda okunoonyeza omwana we ekyokulya ng'adda n'ensiri. Abantu abaamulabanga ng'atembeeya entula n'ennyaanya baamusaasiranga olwa ppereketya w'omusana.

Lugoloobi yakakata mangu kubanga n'emitendera omwana gy'ayitamu ng'akula egimu yagibuuka kuba yayavula mate so ng'olwali okwetengerera nga kwekutambula. Yavaamu mangu eddenzi erituuse okusoma .

Akasomero akayitibwa Kabutidde C/U akaali keegulidde erinnya mu kusomesa abaana akataavanga ku mimwa gy'abantu gyeyamutwala okusomera. Akasomero ako kaali mmo mu kusomesa ebyensi n'ebyeddiini .

Muzeeyi Musiitwa yakeeranga mu bunyonyi okuteekateeka omwana we amutwale ku ssomero nga bukyali asobole okugenda ku mulimu gwe ogwobutembeeyi.

Lugoloobi bweyatuuka mu kibiina ekyomusanvu yafuukira kitaawe ekyambika, yatandika okufuna emize egitaali gya bulijjo akageri kitaawe gyeyali awedde ku mpagala. Yayingirira ekikoosi kya bayaaye abaali bakaziddwaako erya kasooto nebamubangula mu kunywa enjaga n'okubba .

© UMTA Joint Mocks 2022


Scanned with CamScanner

Lugoloobi yatuukiriza olugero lw'obujjajja olugamba nti embwa enjizzi ezaala enkolya bweyatandika okwegeza mu kumiza kitaawe omukka omusu asobole okweddiza ebintu bye.

Olwali olwo nga nkulabira ejjano ku kyalo. Lugoloobi olwamala okwekamirira enjaga ye bulungi ng'akwata jjambiya ng'atemako kitaawe mutwe nga gugwa wali emisana ttuku.

**Oba**

Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. **(obubonero 20)**

When he left Makerere University in 2001, armed with a degree in urban planning, Christopher Kataama thought he could easily get a well –paying job in Kampala and live the happy life of the city that he had dreamed about in his school days.

"I walked the streets and knocked at so many office doors expecting to find employment, but after trying hard for several months and failing to get a job, my elder brother Aggrey kataama, a prosperous poultry farmer in Masaka tried to set me up in a business and he put me in charge of an electrical appliances shop in kiyembe, one of the busiest parts of Kampala. "Kataama narrated.

Still things didn't work out well for him because crooks with in the city tricked him and defrauded him of nearly everything. Almost three years after leaving university, he gave up life in Kampala and with just shillings 90,000 in the pocket, he went to live with Aggrey at his poultry farm. He welcomed him and appointed him to work as a supervisor .However much he is not paying him a regular salary he is living a happy life.

***Extracted with minor modifications from Saturday monitor,august 21,2021 article written by Micheal Ssali.)***



Scanned with CamScanner

**Kola nnamba 3(a) ne 3(b)**

3(a). Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. **(obubonero 20)**

i. Ddiifiri bweyabasalirizza,nendyoka nkulabira bwe beesala................................era nebalayira obutaddamu kwetaba mu mpaka zino.

ii. Muzeeyi Kanatta akeera nkya kwesiwa ..........................agenda okudda ewuwe ng'olulimi alinnyamu lulinnye.

iii. Oyo gw'olaba yazimba ennyumba kwokomya ...................era buli omu agitenda.

iv. Ebigezo by'omwaka guno bigenda kuba kulya .................... butcesokoola kuba ebisomesebwa byakendeezebwako.

v. Ekyo kyewakalabako kikyali..........................linda ekisingako awo kijja.

vi. Ennaku zino buli kintu kigula ..............................era amaka mangi tegasobola kwetuusaako byetaago.

vii. Okugamba kiyemba okwesonyiwa abawala, obeera ....................nsaano ku mazzi kuba okubeera nabo kyasinga okwagala.

viii. Njagala kulaba ku mukazi eyakaabya omwana wattu oyo......................n'amutuusa ku ssa eryo.

ix. Oyo bamuyita kinnanjokya .....................kuba talina kyatya kwogera bakadde be ne bwebabaawo.

x. Ssabasajja nnamwota..........................ku mikolo gy'okukuza amazaalibwa ge anti nnatuula kumpi naye.



Scanned with CamScanner

3(b) (i). Jjuza amabanga agalekeddwa mu mweso guno. **(obubonero 6)**

| Olubu | Erinnya | Nakasigirwa<br>Entaba Luganda | Empeerezi esooka eyerinnya |
|---|---|---|---|
| 3.Mu | i. ……………… | Gwe | ii. ………… |
| 10N | iii. ………………… | iv. …………………… | e |
| v. ………………… | Dduuka | vi. …………………… | e |

(ii) Buli kigambo ekisaziddwako mu sentensi zino wammanga kiwe erinnya lyakyo erya ggulama **(obubonero 4)**

- Sooka ojje olabe bino.
- Amazzi amatono gabooza ente
- Bwomulabako e Kampala omundabire
- Twandikoze nnyo naye abatatwagaliza

**BIKOMYE AWO**

© UMTA Joint Mocks 2022

Scanned with CamScanner